# Maama n'abaana bali ku gwa kutta taata

Bya DAVID KALYANKOLO

MAAMA n'abaana be babiri basimbiddwa mu kkooti ne baggulwako omusango gw'okutta taata.

Alice Mbolanyi 40, n'abaana; Lawrence Makumbi 17, ne Caroline Nakalema (16) basimbiddwa mu maaso g'omulamuzi ow'eddaala erisooka e Mukono, Jacob Okoth Osilo ne basomerwa emisango okuli ogw'okutta Charles Kisekka Tagejja (49) n'ogw'okugezaako okukweka abamu ku beenyigira mu ttemu lino.

Oluvannyuma lw'okusomerwa emisango gino, omulamuzi abagaanyi okubaako kye boogera n'asindika Mbolanyi ku limanda e Kawuga n'abaana e Kampiringisa okutuusa nga April 8, 2026 lwe banaakomezebwawo mu kkooti.

Bano poliisi yabakwata oluvannyuma lw'okusanga omulambo gwa Tagejja mu kinnya ky'amazzi. Gwasangibwa nga March 9, 2026 nga gupakiddwa mu kkutiya.

Maama n'abaana nga tebannatwalibwa mu kkooti, beerumiriza ku butemu buno, maama n'ategeeza nti Tagejja yagaana okufumbiza muwala waabwe ng'agamba akyasoma. Abaana baayongera okulumiriza agambibwa okuba omuko, Mulongo Yasin nti ye yamaliriza kitaabwe kuba baamumulekera n'abategeeza nti amutwala mu ddwaaliro.

Aba ffamire nga bakulembeddwa maama w'omugenzi, Lendivina Nabatanzi baategeezezza nti Mbolanyi abonyaabonyezza bba okuva lwe baagattibwa nga n'oluusi amulyako emmere.

Agambibwa okuba omuko mulongo Yasin, aliira ku nsiko.

## Bamulanga kulemesa muwalawe wa myaka 16 kufumbirwa



Mbolanyi (wakati) n'abaana be bwe bagguddwaako ogw'okutta bba, Tagejja.
Kozesa Vision Digital Experience App olabe vidiyo.

DAVID KALYANKOLO



Mbolanyi ne Tagejja ku mbaga yaabwe. Mu katono ye nnyina w'omugenzi Nabatanzi.